# »Okukola nakavundira nga tweyanbisa nsiringanyi«

Okukola nakavundira nga tweyambisa nsiringanyi kifunisa abalimi sente. Ensiringanyi z’omu Africa zikulira ddala okwenkana “ inches” 5 ku 6 ate nga zizaala nnyo era nga ziwangaala paka ku myaka ebbiri nekitundu.

Wabula, bwaba akolebwa, osasanya nakavundira omupya bwekiba nga tewanabawo nsiringanyi zijja kwalula amaggi. Kyamugaso okutekawo enkokoto oba okumaala wansi okwewala ebinyonyi, enkuyege, n’emese okuyingira mu bokisi kubanga zisobola okutta ensiringanyi. Okwongerezako, zimba emikutu gy’amazzi okwetolola tanka, omansire envu okwewala enkuyege/ebiwuka, tokozesa ddagala ly’abiwuka wadde ebimera ebyobuwoowo.

## Emitendera egigobererwa

Londa ensiringanyi eziva mu Africa kubanga zizaala nnyo okusiinga ezo enaansi era ozipimire ebuggumu erisaniide eriri wakati wa diguli 25 ne 30 wamu n’amazzi 40% ku 45%. Okwongerako, tanka zibikeko okwewala enkuba okutonyamu wamu n’omusana okwokya nakavundira . Era bwoba ozimba tanka, koma ku bugazi bwa fuuti 3 ku 4, obuwanvu waggulu bwa fuuti 2 ku 3 naye nga kigaazi mu mbiriri ekimala okwanguyisa okukula.

Buli kadde lekawo ekituli wamu n’omugo gw’ebintu ebikukunadde ku ntobo ya tanka okusobozesa amazzi okukulukutiramu wamu n’enakavundira kwosa nebisigalira. Siigamu obusa bw’ente nga odingana paka nga tanka ejjude.

Wabula, bwoba otekamu ensiringanyi, sasanya ensiringanyi 25 buli fuuti ku ngulu okusanguyiza okusasaana era bwoba tolina nsiringanyi, sasanya Nakavundira ava mu zo kubanga aberamu amaggi gazo agayinza okwalulwa.

Oluberera fukiriranga ku amazzi ku ngulu okukuuma obuwewevu mu

tanka ensiringanyi zisobole obutafa era okunganye nakavundira, omukaze okugyamu amazzi agasukulumye, sengejja era ozeemu ebikozesebwa mu tanka.